| Essomo 4 | الدرس الرابع |
|---|---|

# EBINTU EBITOONOONA KUSIIBA

**1.** Okunaaba omubiri gwonna, okuwuga n'okweyiwako amazzi olw'ebugumomo.

**2.** Okulya, okunywa n'okwegatta mu nsonga z'abafumbo ekiro okutuuka lw'okakasa okusala kwa mambya.

**3.** Okusenya nakwo tekulina wekukoseza kusiiba ne bwe kubeera mu kiseera kyonna eky'emisana wabula buli mu bintu ebyagalibwa okukolebwa.

**4.** Okwejjanjaba n'eddagala lyonna erya halali kasita libeera nga ssi lya kiriisa (amakulu ekikozesebwa mu kifo ky'emmera), nabwekityo kikkirizibwa okukubwa empiso etali ya kiriisa, n'okwefuuyira mu maaso oba mu matu k'abeere nga omusiibi afunye obuwoomerevu bw'eddagala eryo mu mumiro, so nga okulindako n'olikozesa nga omaze okusiibulukuka kye kisinga. Era kikkirizibwa okukozesa ebinyokezebwa nga ***bukhuuru***, era okukomba ku mmere yetegeleze omunnyu nakyo kikkirizibwa, naye akakwkkulizo okuba nga by'akombye tebigenda mu ddookooli lye kantu konna mubyo. Era tekirina buzibu omusiibi okunyumunguza mu kamwa n'okufeesafeesa mu nnyindo, naye nga tasussa nnyo mazzi kuyingira wala olwokutya amazzi okugenda akantu konna mugo okugenda mu ddookooli, era tekirina kabi musiibi kukozesa buwoowo n'okuwunyiriza ekintu kyonna ekiwunya obulungi.

**5.** Omukyala ava mu **heidh** mu nnaku ze eza buli mwezi oba ava mu **nifaasi** mu musaanyi gwe nga yaakamala okuzaala, singa omu kubo omusaayi gukoma okujja ekiro, akkirizibwa okusiiba nga tannanaaba okutuuka mambya lw'esala, kye kimu n'oyo alina **janaba**, amakulu ne banaaba olw'okusaala esswala ya **(Fajiri) Subuhi**.

## Okunnyonnyola

**1.** Singa omuntu asiramuka emisana mu Ramadhan, kikakata kuye okutandikirawo okusiiba ekiseera ekisigadde so nga takakatibwako kuliwa kiseera ky'alidde.

**2.** Omusiibi ateekwa okubeera n'enniya y'okusiiba olunaku oluddako, agifuna mu kiro nga mambya tennasala ku kusiiba kuno okw'etteeka n'okwo okwa **SUNNA MU'AKKADA** (ennywevu), nga okusiiba ennaku omukaaga eza Shawwaali, n'olunaku lwa Arafa, n'olunaku lwa 'Ashuura, wabula kwo okusiiba ennaku eza Sunna ezabulijjo, gamba nga ennaku essatu mu buli mwezi, zo zino enniya ekkirizibwa okgireeta k'ebeere nga **Fajiri** evuddeyo, wabula akakwakkulizo nga tannaba kulya oba kunywa kintu kyonna.

**3.** Kirungi nnyo kyagalwa eri omusiibi okusaba ennyo edduwa mu kiseera ky'okusiibulukuka nga asaba kyonna ky'ayagala ku lw'ekigambo kya Mubaka swalla Llaahu alaihi wasallama mu Hadith eyawandiikwa Ibun Maajah nti:

Agamba swalla Lllahu alaihi wasallama nti: ''Mazima omusiibi mu kiseera ky'okusiibulukuka kwe, alina edduwa etaddizibwayo''.

Era n'edduwa eyo gy'asoma Omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama yagiyigiriza nga bwe kiri mu Sunan Abi Dawuda egamba nti:

Agamba nti: ''Egenze enyonta, ne gitotobala emisuwa era ne zikakata empeera, ini sha Allah''.

**4.** Omuntu yenna bw'ategeera nti Ramdahan omwezi gwabonese, kiba kya tteeka gyali okutandikirawo okusiiba kw'olwo olunaku, so nga abeera ajja kululiwa kuba teyavudde mu ntandikwa nga alina **enniya** y'okusiiba.

**5.** Kiba kirungi eri oyo alina ennaku ez'okuliwa okubeera nga ayangwuwa okuziriwa olwokwejjako ebbanja amangu, so nga era tekiziyizibwa kuye kukeerewa wabula teritekwa kukelewa kutuuka ku Ramadhan eddako awatali nsonga yonna ekkirizibwa, nga ekisonyiyisa mu Busiraamu, so nga mu kuliwa era akkirizibwa okuziriwa nga azigobereganyizza oba okuzaawulayawula.